



PARLIAMENT OF UGANDA



AMATEEKA ANA (4) PALAMENTI EYE 11 G'EYISIZZA OKUKYUSA EMBEERA Y'OMUNTU WA BULIJJO



Amyuka Sipiika wa Palamenti, Thomas Tayebwa



Sipiika wa Palamenti, Anita Annet Among

Akulira oludda oluwayabula mu
Palamenti, Mathias Mpuuga

Palamenti by'ekoze mu mwaka ogwokubiri byeyogerera

Bya MUSASI WAFFE

OMWAKA gwa Palamenti ogwokubiri gwalimu entuula 105 mwe baayisiza amabago g'amateeka 33, okulayiza ababaka musanvu, okuyisa ebiteeso eby'enjawulo 37 ate nga lipooti ezaayisibwa zaali 37.

Pulezidenti Museveni ye yaggulawo omwaka ogwokubiri ogwa Palamenti ye 11 nga June 7, 2022 okwawerekerwa okusoma Embalirira y'eggwanga nga June 14. Ababaka musanvu baakuba ebirayiro ebibakkiriza okufuuka ababaka okwali; Andrew Oulanyah Ojok (Omoro), Herbert Edmund Ariko (Soroti City East), Nover Mao (Ex Officio, era minisita w'amateeka), Nathan Itungo Twesigye (Kashari South Constituency), Eddie Kwizera Wa-Gahungu (Bukimbiri), Derrick Orone (Gogonyo) ne Gideon Thembo Mujungu (Busongora South).

Palamenti yalonda ababaka 9 abakiikirira Uganda mu lukiiko lwa Palamenti y'Obuvanjuba bwa Afrika nga September 29, 2022 okuli; Jacqueline Amongin, Veronica Kadogo Babirye, Rose Akol (NRM), Paul Mwasa Musamali (NRM), George Stephen Odongo (NRM), Dennis Namara (NRM), Mary Mugenyi (NRM), James Kakooza (NRM) ne Gerald Siranda (DP).

Waliwo ababaka abaafuna olukusa lwa Palamenti olubakkiriza okubaga amateeka ag'enjawulo agakwata ku nsongwa ez'enjawulo ezinyiga abantu.

ETTEEKA LY'EBIYIIYE

Hilary Kiyaga mubaka Mawokota North Constituency, yaleeta ebbago ly'etteeka lya 'The Copyright and Neighbouring Rights (Amentment) Bill' erifuga ebiyiyye nga July 20, 2022 era Palamenti n'emuwa olukusa.

Etteeka lino ligenderera



Omubaka Hilary Kiyaga

okukuma eddembe ly'abakola ebiyyiye omuli abayimbi, bannakatomba n'abaliko obuvumbuzi bwe babeera bakoze.

Kiyaga agamba nti, etteeka eririwo erya Copyright and Neighbouring Act teribawa kimala nga bwe kyandibadde ku muntu eyafumba omutwe n'ateekawo ekintu.

"Embeera y'okuba ng'abayimbi tegagulyula mu ntuyuo zaabwe y'ensonga lwaki bangi tebafunye kimala. Etteeka liteekawo ebinonerezo ku bagezaako okujingirira n'okwembyambisa ebikoleddwa abalala nga tebasoose kufuna lukusa.

Omubaka w'abakozi Abdul Byakatonda eyasemba etteeka agamba nti, ekisaawe ky'okuyimba ne katemba kisikiriza abantu bangi naye abasinga tebafunga mu bye bakola.

Kiyaga agamba nti, bwe yafuna olukusa lwa Palamenti, kyakkaanyizibwako akolagane n'ekitongole kya Uganda Law Reform Commission abavunaanyizibwako okubaga amateeka.

Mu kiseera kino aba Law Reform Commission baamutegeezza nti, omulimu gwaggwa era ne baguwereera mu ofisi ya Ssaabawolerezwa wa Gavumenti



Omubaka Anna Adeke

alina okutwala etteeka mu Kabineeti. Alindiridde tteeka Iwe linaavaayo.

ETTEEKA KU BBEEYI Y'EBIRIME

Omubaka Abed Bwanika (Kimaanya-Kabonera) yaleeta etteeka mu Palamenti eriteekawo enkolagana wakati w'omulimi n'agula ebirime erya 'The Contract Farming Bill'.

Mu tteeka lino eryayanjulwa nga August 23, 2022, Bwanika agamba nti, walina okubeerawo endagaano wakati w'omulimi n'omugizi w'ebirime ku bungi bw'ebintu n'omutindo era ne bakkaanya ku bbeeyi kwe balina okutundira mu kiseera ekigere.

Bwanika era agamba nti, etteeka lino lyakuyamba omulimi okwewala okukolera mu kuteebereza, nga tebakyanoonya butale.

Stella Apolot (mukazi/Ngora) eyasemba etteeka agamba nti, enkola y'okukola endagaano mu kiseera kino eri ku birime bitono nga ebikajjo n'amajaani.

Etteeka lino lyakuyamba abantu okwongera ku bungi bw'ebirime era bongere n'okufunamu.

Bwanika yagambye nti, yamala dda okubaga etteeka lino nga mu kiseera kino anoonya Sipiika asobole okumufunira



Omubaka Abed Bwanika

obudde ku lukangaga lw'ebintu ebinaateesebwako alyanje.

ETTEEKA LY'OKUKABASSANYA ABAKAZI

Palamenti yawa olukusa Anna Adeke (mukazi/Soroti) okuleeta etteeka erikangavvula abakabassanya abakazi n'abawala mu nsongwa z'omukwano erya 'The Sexual Offences Bill' nga May 23, 2023 mu lutuula olwakubirizibwa omumyuka wa Sipiika, Thomas Tayewba.

Adeke yategeezza nti, etteeka lino yali alikomezzaawo omulundi gwakubiri kuba eryasooka erya Sexual Offences Bill 2019, eryayanjulwa nga November 2019 ne liweerezebwu mu kakiiko k'amateeka okulyekenneanya, ekisanja kya Palamenti ye 10 kyaggwaako nga terikoleddwaako.

"Wadde nga Uganda ezze eyisa amateeka agakwata ku nsongwa eno, kyokka ebikolwa by'okukabassanya abakazi bikyalivo era byeyongera. Bw'otunuulira lipooti eyakolebwa mu 2016 aba Uganda Demographic and Health Survey yalaga nti, abakazi 22 ku buli100 abali wakati w'emyaka 15 ne 49 baali bakabassanyiziddwako mu nsongwa z'omukwano" Adeke bw'agamba.



Kino alumiriza nti, kiva mu kubeera ng'amateeka agaliwo makadde agalimu ebinoborezo ebinafu ate nga tekinologiya abamu gwe bakozesa ebiseera bino tali mu mateeka makadde.

Adeke bwe yali afuna olukusa lwa Palamenti, Ssaabawolerezwa wa Gavumenti, Kiryowa Kiwanuka yakiwakanya ng'agamba nti, amateeka agaliwo gamala tewali bwetaavu bwa tteeka ddala. Kyokka Sipiika bwe yabuuza ababaka abasinga ne bakkiriza baleete etteeka eddala. Adeke yategeezza BUKEDDE nti, omulimu gutambula bulungi era ekiseera kyonna ligenda kujja mu Palamenti lisomwe omulundi ogusooka.

ETTEEKA KU NKOZESA Y'OMWENGE

Sarah Achieng Opindi (mukazi/Tororo) yafuna olukusa lwa Palamenti agende abage etteeka erikwata ku nkозesa y'omwenge erya The Alcohol Control Bill nga November 8, 2022.

Etteeka ligendereddwa okuluñamya abakola omwenge, abaguyingiza mu ggwanga, abagutunda n'abagunyuwa. Lyaleetebwa mu mutima gw'okutangira abantu obulabe bwomwenge nga endwadde n'ebizibu ebirala ebigerderako.

Etteeka lino ligendereddwa okuluñamya abakola omwenge, abaguyingiza mu ggwanga, abagutunda n'abagunyuwa. Lyaleetebwa mu mutima gw'okutangira abantu obulabe bwomwenge nga endwadde n'ebizibu ebirala ebigerderako.

Etteeka lino ligendereddwa okuluñamya abakola omwenge, abaguyingiza mu ggwanga, abagutunda n'abagunyuwa. Lyaleetebwa mu mutima gw'okutangira abantu obulabe bwomwenge nga endwadde n'ebizibu ebirala ebigerderako.

BIRAZE KUP 15



Omubaka Sarah Achieng Opindi

ETTEEKA KU BUFUMBO

Sarah Achieng Opindi (mukazi/Tororo) yaleeta etteeka erikwata ku bufumbo erya The Marriage Bill nga July 21, 2022.

Opindi agamba nti, yayagala aleeteeka limu nga lizingiramu amateeka ag'enjawulo agakwata ku bufumbo kuba etteeka eririwo ery'obufumbo erya

Marriage Act lyakolebwa mu mwaka gwa 1904 era nga terikyusibwangako.

"Mu kifo ky'okubeera ng'amateeka agakwata ku bufumbo geeyawudde, kisaana gonna tugagatte wamu lifuuke etteeka limu.

Okugeza mu tteeka ly'aleeta ayagala gufuuke musango omusajja okusaba ebintu bye yatwala ku buko ng'abadde

ayawukanye mu mukazi we. Kino ekirungi ne kkooti etaputa konsityusoni yakigaana mu musango gwa 'The Constitutional Appeal No. 02 of 2010', Opindi bw'e yagambye.

Etteeka ligendereddwa okuluñamya abakola omwenge, abaguyingiza mu ggwanga, abagutunda n'abagunyuwa. Lyaleetebwa mu mutima gw'okutangira abantu obulabe bwomwenge nga endwadde n'ebizibu ebirala ebigerderako.

engabana y'ebiobugagga ebikoleddwa abafumbo bombi n'ensonga endala.

Opindi yagambye nti, akyakola okwebuuza ku bantu ab'enjawulo abakwatibwako era oluvannyuma asabe Minisitule y'ebiensimbi emuwe ebbaluwa ekakasa nti, erina obusobozi bwa ssente z'okuteekesa etteeka mu nkola (Certificate of Financial Implication).



Omulimi ng'afuuyira emboga ze. Etteeka erinaayamba ku bbeeyi y'ebirime likolebwako ekinaataasa abalimi okudondolwa

Etteeka ku batunda ebitaweze likolebwako

BIVUDE KU P14



Omubaka Muhamad Ssentayi

ETTEKA ERIKUMA ABAKOZESA EBINTU

Omubaka Muhamad Ssentayi (Bukoto County West), yafuna olukusa okuva mu Palamenti nga November 8, 2022 olumukkiriza okuleeta etteeka erikuma abaguzi b'ebintu eby'enjawulo.

Ssentayi agamba nti, etteeka iya The Consumer Protection and Management Bill, liyamba okukuumu omutindo n'okuba ng'ebintu ebitundibwa ku katale byesigika.

Etteeka lirimu obuwaayiro obuteekawo ebinonerezo eri abatagoberera mateeka awamu n'okutangira abantu abakuba obulango obubuzaabuza abaguzi.

Kino kyagendererwamu okulaba ng'omuguzi afuna ekintu ekigya mu ssente z'aba akisasulidde. Ebikolwa by'obufere, obutali bwesigwa n'okutunda ebintu ebitawera oba ebitatuukana na mutindo byonna bitereddwaako ebinonerezo.

Francis Mwijukye (Buhweju) yagambye nti, etteeka lino lyakuyamba okukuumu omutindo kuba waliwo embeera ezizze zituuukawo Gavumenti n'egaana bbanka z'ebibusubuzi okwongeza amagoba, kyokka ne bakola byabw. Mu mbeera eno omuntu obeera osobola okuwawaabira bbanka.

Engeri Palamenti gy'etuusizza eddoboozi ly'abantu eri gavumenti

Bya MUSASI WAFFE

PALAMENTI erina obuvunaanyizibwa obw'okukuba ttooci mu mirimu egikolebwam amasiga ga Gavumenti amalala okuli essiga erifuga, n'essiga eddamuzi, okusobola okulaba ng'eggwanga litambula bulungi awatali kunyigiriza muntu wa bulijo.

Mu mwaka gwa Palamenti oguwedde, Palamenti erina ensonga z'eyingiddemu nga zaali zikwatiddwa bubi abantu abamu abaddukanya emirimu gya gavumenti, era okukakkana nga zitereezeddwa, abaali banyigirizibwa ne bafuna obuweero.

Palamenti era ng'eyita mu buvunaanyizibwa bwayo obw'okukiirira abantu, ng'Ababaka baleeta ensonga eziruma abantu mu bitundu byabwe, waliwo ebintu ebikoleddwa gavumenti, nga bigasa abantu nga bino wammanga:

PALAMENTI LWE YATAASA ABASUUBUZI B'OMUCEERE

Mu May wa 2022, Palamenti yayingira mu nsongza z'abasubuzi b'omuceere okuva e Tanzania abaali beemulugunya ku misolo ne ssente ezitategeerekaka ezaabaggyibwangako ku nsalo nga bayingiza omuceere, ezaali zivuddeko ebbeeyi y'omuceere okwekanama mu ggwanga.

Abasubuzi b'omuceere nga bayita mu bakulembeze baabwe okwali; Livingstone Ssenyonga owa Kampala Rice Traders Association ne Isaac Kashaija owa Rice Business Sector Association, baaleeta okwemulugunya kwabwe eri omumyuka wa sipiika Thomas Tayebwa ng'abasubuzi bangi balemeredwa okuyisaawo emmaali yaabwe lwa misoso egisusse.

Nga May 5, 2022, Tayebwa yalingira akakiiko ka Palamenti akakola ku nsongza z'obusuubuzi, amakolero n'ebiyobulambuzi, akakulirwa Omubaka Mwine Mpaka (Mbarara City South) okunoonyereza ku nsongza eno kakole lipooti Palamenti kw'eneesinziira okusalawo.

Omubaka Mpaka yaleeta lipooti nga August 10, 2022, nga bazudde abasubuzi bwe baali baggyibwako ssente z'omusolo ogwa VAT emitwalo 18 ku buli ttani ya muceere, naye nga kino kikolebwa mu bukyamu kubanga omusolo

guno gwali gwawerebwa dda omukago gw'amawanga agali mu buvanjuba bwa Afrika.

Kkampuni eyali yateekewawo minisitule y'ebiyobusubuzi okusoloza ssente zino, eya Rice and Agribusiness Development Foundation (RADFO), nayo lipooti yalaga nti, yali emirimu egikola mu bukyamu era n'esemba kkampuni eno eveewo bunnambiro.



Omubaka Solomon Silwany

Oluvannyuma lwa Palamenti okuyisa lipooti eno, RADFO yaggyibwa ku nsalo e Mutukula ate n'omusolo ogw'emitwalo 18 ku buli ttani ya muceere nagwo ne guwrebwa bunnambiro.

Livingstone Ssenyonyo, Ssentebi w'abasubuzi b'omuceere mu Kampala, yagambye nti, okuva Palamenti lwe yayingira mu nsongza z'omuceere, bizinensi kati yatereera era basuubula bulungi

ENSIGO Z'ABALIMI

Abalimi mu ggwanga emitima gyali gibeewanise, oluvannyuma lwa gavumenti okuggyawo enteekateeka y'okugabanga ensigo nga sizoni y'okulima etuuse, ssente ezaali zigula ensigo n'eziteeka mu nteekateeka y'oku miruka eya Parish Development Model.

Wabula Ababaka ba Palamenti baakizuala nga okusalawo kuno kwali kwa bulabe eri eggwanga, kubanga kyali kigenda kuleeta ebbula ly'emmere.

Wano Omubaka Solomon Silwany (Bukooli County Central) we yasiniira n'aleta ensonga eno mu Palamenti, ng'alabula nti, abalimi bwe batawebwa nsigo, kyandireeta enjala ani amuwadde akatebe okugwa mu ggwanga.

Ababaka nga tebeetemyemu, baawa gavumenti amagezi okuggya ssente z'okugula ensigo mu nkola ya PDM, kubanga si buli mulimi nti, ali mu nkola eno, ate era nga tennaba kunnyikira bulungi mu bantu. Ensonga endala ababaka gye baawa, ye y'okuba ng'abantu bwe



Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja

banaafuna ssente za PDM, bayinza okukyusa eby'okukola ne balema okugula ensigo, sizoni n'eggwaako ng'eggwanga teririna mmere emala.

Sipiika wa Palamenti, Anita Annet Among yalagira minisita w'ebiyobulimi ne minisita w'ebiyensimbi okukola ku nsongza eno mu bwangu ssente z'ensigo bbiriyooni nnya ziggyibwe mu PDM gavumenti eguliremu abalimi ensigo.

Nga March 30, 2023, Minisita w'ebiyensimbi Matia Kasajja yakiriza ssente z'ensigo bbiriyooni nnya, ziggyibwe mu PDM zugilire abalimi ensigo, ekintu ekyakolebwa era ababaka ba Palamenti ne batandika okugaba ensigo zino eri abalimi mu nkola emanyiddwa nga NAADS/Parliament Food Security Arrangement.

NAKASEKE CENTRAL COUNTY YAFUNA OLUGUUDO LWA KKOO LAASII OLUSSOOS

Emirimu gy'Ababaka ba Palamenti giri ena okusiniira ku Ssemateeka w'eggwanga. Kuliko okukola amateeka agalunjamya eggwanga, okukola embalirira y'eggwanga, okulondoola emirimu gya gavumenti, n'okuleeta ebizibu ebiruma abantu eri baminisita abavunaanyizibwa basobole okubikolako.

Okuyita mu buvunaanyizibwa bw'okuleeta ebizibu ebiruma abantu, **Omubaka Allan Mayanja (Nakaseke Central County)**, yaleeta enfunda nnya ensonga y'oluguudo lwa Luweero - Kiwoko - Butalangu, olugatta disitulikiti y'e Nakaseke ku y'e Luweero.

Okusiniira ku Mayanja, oluguudo luno ebbanga lyonna lubadde mu mbeera mbi ate nga lukozesewa abantu bangi, ekyaleetawo okufirizibwa enyo naddala mu



Omubaka Allan Mayanja

balimi n'abasubuzi b'ebirime, ng'ebintu byabwe bigenda okutuuka mu katale nga byonooneese.

Ensonga eno Palamenti yagiremerako, era n'eteeka minisitule y'ebiyengudo ku nninga ennyonyole ekiremeseza okukola oluugudo luno, ate ng'ebbanja lya ssente ez'okuluzimba Palamenti yaliyisa mu 2017.

Nga June 1, 2023, oluugudo luno lwatandise okukolebwa, era kisuubirwa, Iwakuggwa nga June 1, 2025.

Okusiniira ku Mubaka Mayanja, kontulakiti eyakoleddwa okuzimba oluugudo luno, emirimu ebitundu 80 ku 100 girina kuweebwa batuuze mu bitundu oluugudo mwe lugenda okuya omuli Magoma, Kiwoko, Kabubbu, Kasana n'ebirala.

Yalaze essanyu, olw'okukolebwa kw'oluguudo luno, n'agamba nti, abalimi ba muwogo, lumonde, amatooke, n'abasubuzi b'ebirime, bagenda kwanguyirwa okutuuka ku katale akanene e Luweero ne Kampala basobole okufunamu mu by balima.

EDDAGALA LY'OBUSAANYI OBULYA EBIRIME

Palamenti era yayamba abantu b'e Nakaseke abasangibwa mu magombolola okuli; Wakyato, Butalangu Town Council, Kinyogoga, Ngoma ne Kikoni, okufuna eddagala eritta obusaanyi obulya emmere, n'addala kasooli, amagalala, muwogo n'omuddo. Obusaanyi bunu buyitibwa African Army Worm.

Ensonga eno yaleetewba Omubaka Mayanja nga March 30, 2023, era Palamenti n'eragira Minisitule y'ebiyobulimi okutwala eddagala eritta obusaanyi bunu e Nakaseke mu bwangu ddala okusobola okutaasa abalimi, baleme kukosebwa mu makungula, ekiyinza okuvaako ebbula ly'emmere mu kitundu ekyo.

Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja yateekamu amaanyi mu nsongza eno, era Minisitule y'ebiyobulimi n'etwala eddagala eri abalimi b'e Nakaseke ne bafuuyira ebirime byabwe, embeera n'etereera.

OKULWANYISA KOOKOLO

Okusiniira ku ddwaaliro lya kookolo, erya Uganda Cancer Institute, abantu 33,000 be bazuilibamu kookolo buli mwaka mu Uganda. Wabula ekyeraliikiriza, abantu 7,400 bokka be bafuna obujanjabu okuva ku ddwaaliro lino, ate nga nalyo likyalina okusoomoozebwba kw'omujjuzo.

Wano Bannalotale we baasinzira okutandika emisinde gya Rotary Cancer Run, egigendereddwaamu okufunamu ssente ez'okulwanyisa kookolo mu Bannayuganda. Palamenti ezze eteeka ssente mu misinde gino, okusobola okulaba nga egatta ettoffaali ku mulimu gw'okulwanyisa kookolo mu ggwanga.

Palamenti eye 11 eyisizza amateek

Bya MUSASI WAFFE

OMWAKA ogwokubiri ogwa Palamenti eye 11 ogwaweddeko mu May, Ababaka bayisizza amateeka 32 ng'agasinga gawkata ku nsonga eziruma Bannayuganda.

Omwaka gwa Palamenti nga bwe gwatandika mu June wa 2022, kiba kitegeesa nti, kumpi buli mwezi Palamenti ebadde eyisa amabago g'amateeeka kumpi asatu (3).

Kyokka agasinga okukwata ku bantu obuterevu mulimu; erirwanyisa obutujju erya 'The Anti-Terrorism (Amendment) Bill' 2022, Etteeka erirwanyisa enkozesza embi eya kompyuta erya 'The Computer Misuse (Amendment) Bill' 2021, Erirunjamya eby'okuvuba n'okulunda ebyennyanya erya 'The Fisheries and Aquaculture Bill', 2022.

Etteeka ly'obutale erya 'The Markets Bill' 2021, Eriwanyisa abantu b'ekikula ekimu okweganza erya 'The Anti Homosexuality Bill', 2023 n'erya Traffic and Road Safety (Amendment) Bill' 2022 erirunjamya entambula y'oku nguudo.



Omubaka Asuman Basalirwa

ETTEEEKA ERIRWANYISA OBUFUMBO BW'EKIKULA EKIMU

Nga May 2, 2023, Palamenti yayisa etteeka erirwanyisa abantu b'ekikula ekimu okweganza n'okufumbiriganwa nga May 2, 2023, era Pulezidenti n'alissaako omukono nga May 26, 2023.

Etteeka lino lyaleetebwa omubaka Asuman Basalirwa (Bugiri Munisipaa) n'ekigendererwa ky'okulwanyisa omuze guno.

Palamenti yasooka n'eyisa etteeka lino nga bataddemu ebibonerez eo bikakali. Kyokka bwe baalitwala ewa Pulezidenti okulissaako omukono n'alikomyawo eri ababaka

ne babeerako ennongoosereza ze baakola.

Mu byakyusibwa, omuntu okubeera ng'akkiririza mu kwagalana okw'ekikula ekimu si musango, wabula gubeera musango bw'abiyigiriza abaana, okukaka omulala n'okubikola n'atanneetuuka.

B'okwatibwa ng'oliko engeri yonna gy'owagiramu ebikolwa bino, bwe gukusinga osibwa emyaka 20 nga bwe kibeera kitongole kiwerekwa okumala emyaka 10.

Kyokka era omuntu ne bwe babeera bakulu nga ba kikula kimu ne bakkiriziganya okwewayala gubeera musango mu tteeka lya Penal Code.

Etteeka likuuma abaana abato obutayingizibwa mu mize gya kikula kino eg'yobulabe ennyo eri obuwangwa, eddiini n'ennono z'eggwanga.

Sipiwa Palamenti, Anita Among yategeesa nga bamaze okuyisa etteeka nga bwe waliwo abaali bamutisatisa olw'okuyisa etteeka. Kyokka yategeesa nga bwe yali tasobola kutiisibwatiisibwa olw'abeekwasa okugaba obuyambi kuba ekikolwa kino kisaanyaawo obutonde.



ETTEEEKA ERIRWANYISA OKUKOZESA OBUBI KOMPYUTA

Palamenti yayisa etteeka erirwanyisa okukozesa obubi emikutu kalimagezi egya kompyuta eryaleetebwa omubaka Muhammad Nsereko (Kampala Central) era Pulezidenti n'alissaako omukono.

Etteeka ligaana okwembaa ekifaananyi ky'omuntu ku mikutu gya Social Media nga tosoose kufuna lukusa kuva gy'ali.

Ligaana n'okusasaanya ekintu kyonna ekisiga obukyayi eri omuntu yenna, eggwanga, eddiini, ekikula ky'omuntu ova omwana atannawenza myaka 18 okugyako ng'ofunye olukusa okuva mu bazadde ova abamulabirira.

Bwe gukusinga ogw'okusaasaanya eddoboozi ova akatambi k'omuntu omulala nga takukkirizza bakuweesa engassi ya bukade 10 ova okusibwa emyaka egitasukka 10 ova okuweebwa ebibonerez byombi.

ETTEEEKA LY'OBUVUBI

Palamenti yayisa etteeka eriunjamya eby'obuvubi erya 'The Fisheries and Aquaculture Bill, 2021'.

Etteeka lino lyasooka kuyisibwa



Etteeka eriunjamya abavubi lyayisibwa

nga May 3, 2022 kyokka bwe baalitwala Pulezidenti n'agaana okulissaako omukono ng'agamba kyali kikyamu okugamba nti, obuvunaanyizibwa bw'okukwasisa amateeka bulina kuweebwa Polisi yokka.

Kino yagamba nti, kyali kikyamu kuba abakozesa envuba embi si bangu era kyetaaga poliisi n'eggye lya UPDF bakolere wamu.

Waaliwo okusika omugawa mu Babaka ku Polisi ne UPDF asaanidde okulekerwa obuvunaanyizibwa ku nnyanja.

Kyokka oluvannyuma, minisita



**Omubaka
Muhammad Nsereko**

w'ebiyobulimi n'obuvubi, Frank Tumwebaze we yaleetera ekirowoozo ekyawagirwa nti, obuvunaanyizibwa buno bulekerwe Pulezidenti ng'omuduumizi ow'oku ntikko okusalawo ekitongole ekinaaba kyetaagisizza okukuuma ennyanya.

Kyokka kino abababaka b'oludda oluvuganya baakiwakanya. Waatondebwalo ekifo kya 'Chief Fisheries Officer' avunaanyizibwa ku by'envuba aija okuyambibwako District Fisheries Officer mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe.

Etteeka erirwanyisa ob



Pulezidenti Museveni (ku ddyo) bwe yali e Kaweweta ku mukolo gw'abaserikale

ETTEEEKA ERIRWANYISA OBUTUJJU

Nga August 23, 2022 Gavumenti ng'eyita mu minisita avunaanyizibwa ku nsonga z'ebweru w'eggwanga Gen. Jeje Odong yaleeta etteeka erirwanyisa obutujju erya 'The Anti-Terrorism (Amendment) Bill, 2022'.

Wadde nga waaliwo etteeka ekkadde ery'obutujju, kyokka kyzauulwa ng'abatujju baali

bakuguse naddala mu ngeri gye batambuzaamu ssente okuzitwala mu mawanga amalala.

Mwateekebwamu ebibonerez eo bikambwe eri omuntu ova ekitongole ekinaasangibwa nga batambuza ssente z'abatujju ne bassaawo ekibonerez kya kusibwa emyaka egitasukka 20 ova okuwa engassi ya buwumbi 10 ova okukola ebibonerez byombi.

ETTEEEKA LYAM...

Palamenti etteeka enziril erya 'The Anti-Homosexuality Bill, 2021' n'erya 2023.

Etteeka lyaleetebwa w'abak...

Rwab...

Om...

Rwab...

Etteeka ku nsonga ezinyigaabantu



Etteeka erifuga ebidduka lyalinnisa engassi ku bavuga endiima



LOCAL CONTENT BILL

Patrick Nsamba Oshabe (Kassanda North) ye yaleeta etteeka lya Local Content Bill, 2022 eryayisibwa Palamenti nga March 29, 2023. Ekipendererwa kyali kya kulaba ng'ebintu ebikolebwa mu ggwanga bisoosowazibwa.

Nsamba agamba nti, Uganda eyinza okulowooza nti, ekulaakulana, kyokka ng'ebintu ebikolebwa bannansi tebabiganyulwamu kuba bingi bikolebwa bamusigansimbi abagwira abaleeta abakozi n'ebikozesebeba okuva mu mawanga amalala. Walina okubaawo enkola nga ebikozesebeba ebiri mu ggwanga n'abakozi nga bayinginya bannansi baweebwe enkizo.

Etteeka lyasooka kuyisibwa nga September 6, 2022, kyokka bwe lyawerezebwewa ewa Pulezidenti okulissaako omukono n'agaana ng'agamba nti, kino kikontana n'amateeka agafuga omukago gw'obuvanjuba bwa Afrika.

Kyokka oluvannyma baddamu okulyisa nga bakolera ku kuwabula kw'omumyuka wa Ssaabawoloreza wa Gavumenti, Jackson Kafuuzi eyategeeza nti, amateeka agafuga omukago gw'obuvanjuba bwa Afrika gabeera waggulu w'amateeka agafuga ensi kinneemu.

Bwe batyo mu kuyisa etteeka baateekamu nti, ebintu n'abakozi abava mu mawanga g'omukago guno, bajja kuweebwanga enkizo ku buli pulojekiti eneekolebwanga. Nsamba yagambye nti,

engeri etteeka gye lyayisibwamu teyamusanyusa kuba wadde tuli mu mukago gw'obuvanjuba bwa Afrika, Uganda nsi eyeetongodde. Ekyakolebwa kyalinga ekitegeeza nti, Palamenti ya Uganda erina kulindanga mateeka agava mu Arusha.

ETTEEEKA ERIFUGA EBIDDUKA LYALINNISA ENGASSI KU BAVUGA ENDIIMA

Etteeka lya Traffic and Road Safety (Amendment) Bill, 2023 eryayisibwa Palament nga May 16, 2023 lyalinnisa engassi

y'abantu abavuga endiima okuva ku mitwalo 20 okutuuka ku bukadde bubiri (2,000,000). Kino kyakolebwa okukendeeza ku bungi bw'obubenje obuva ku kuvugisa ekimama n'endiima.

Lipooti ya poliisi y'ebidduka eya 2022 yalaga nti, emisango gy'ebidduka 336,722 gye gyazzibwa nga 6,123 gyali gy'avavugisa ebidduka endiima eziusse.

AMATEEKA AMALALA AGAAYISIBWA

Amateeka amalala agaayisibwa mu mwaka ogwokubiri kuliko; erikwata ku byobugaggga eby'omu ttaka (The Mining and Minerals Bill, 2022), erya Kampala (The Kampala Capital City (Amendment) Bill 2021), ery'omusolo, (The Exercise Duty (Amendment) Bill), 2022, Ery'obwegassi (The Cooperative Societies (Amendment) Bill) 2022, eriziyiza okukusa ssente (The Anti Money Laundering (Amendment) Bill), 2022. Ery'okuvuganya (The Competition Bill), 2022, The Partnerships (Amendment) Bill, 2022. The Companies (Amendment) Bill, 2022, The Parliamentary Pensions (Amendment) Bill, 2022.



utujju nalyo liyisiddwa

EKA LY'OBUTALE ALA NE LIYITA
enti yayisa
a eriruññamya
kanya y'obutale
he Markets Bill,
nga March 9,

eka lino
ebwa omubaka
kozi, Margret
ushaija nga lisikira
de eryaliwo
942 eryaliwo



Ebiteeso 4 Palamenti by'ereese okukyusa embeera y'omuntu waabulijjo

Bya MUSASI WAFFE

OKUTEREEZA
embeera y'omuntu
waabulijjo, kye kimu
ku bigendererewa bya
Gavumenti, okusinziira
ku nteekateeka
y'okukulaakulanya
eggwanga eri mu
birubirirwa by'eggwanga
eby'omwaka 2040 (Vision
2040).

Ekigendererewa ekikulu kya
kusitula Uganda okuva mu
mbeera y'obwatu ejjude abantu
abakolerera olubuto lwokka,
okugifluu ensi eri yaddeyaddeko
mu byenfunu ng'abantu basobola
okukolerera olubuto ne bafissa
bye batunda okufuna ssente
ezibayamba mu byetaago ebirala
n'okuterekako.

Wabula okutuuka ku
kiraubirirwa kino, waliwo
ebiyetaaga okukolebwako
gavumenti mu byobulamu,
ebenjigiriza, okutondawo
emirimu, okuzimba enguudo,
okunoonya obutale, n'ebirala
okusobozesa abantu okutambuza
obulungi emirimu gyabwe.

PALAMENTI ETANDISE KU LUGENDO

Palamenti nga erimu ku masiga
agakola Gavumenti, etandise
kawefube okulaba ng'abantu
baabulijo babeera mu bulamu
obweyagaza, ng'eyita mu kuyisa
ebiteeso ebigereddedwaamu
okuwabula n'okujukiza gavumenti
ku birina okutandikirwako mu
lugendo lw'okukulaakulanya
abantu.

Mu ntuala za Palamenti
ez'omwaka gw'ebysimbi
oguwedde, 2022/23, ebiteseo
eby'enjawulo byayisibwa Palamenti
ey'awamu ne biwigirwa ne
gavumenti nga bikwata ku kulyusa
bulamu bwa Bannayuganda.

1 EBITEESO KU BYOBULAMU

Okusinziira ku nnyingo
eya 56, ey'amateeka agafuga
ababaka ba Palamenti nga bakola
emirimu gyabwe, buli mubaka
alina eddembe okuleeta ekiteeso
mu Palamenti ey'awamu, ne
kikubanyizibwako ebirowoozo,



oluvannyuma ne kiysisiba.
**Nga July 6, 2022,
Omubaka Charles
Ayume (Koboko
Munisipaali, ku kkono)**
yaleeta ekiteeso
ekisaba gavumenti
okukulembeza
eky'okusiga ssente
mu malwaliro agali ku
mutendera gwa Health
Centre IV, kubanga
gayamba abantu bangi,
kyokka ng'ebikozesebea bye
galina bitono ddala nga waliwo
n'obuweereza bwe gatakola ate nga
bukulu nnyo eri abantu. Ekiteeso
kino Palamenti ey'awamu yakiisa.

Ayume agamba nti, Bannayuganda
abasinga bakozesa malwaliro ga
gavumenti okufuna obujanjabo, naye
mangi ku gano gabali wala, amalala
tegalina buweereza na bikozesebea
naddala embeera bw'eyingiram
okulongoosa omulwadde.

Kino kivaako abantu okusasula
ssente ennyingi mu malwaliro
ag'obwannannyini, kyokka nga
bandibadde bazitereka ne zibayamba
mu birala, abalaabakeberebwa naye
ne batazuula kituufi kibaluma, ne
basigala mu bulumi, kw'ossa okufa
okwandidbadde kwewalika.

Uganda erina amalwaliro agali
ku mutendera gwa Health Centre
IV, 183, kyokka okusinziira ku
lipooti eyafulumizibwa Minisitule
y'ebiyobulamu mu 2021, amalwaliro
31 ku gano tegalina busobozi bwa
kulongoosa bakazi abazaala.

Ayume mu kiteeso kye, agamba
nti, gavumenti erina okwongera
ssente mu Health Centre IV,
kubanga abantu abasinga amalwaliro
gano gabali kumpi, nga bwe
gaterezebwa, kijja kukendeeza
ku mujjuzo oguli mu malwaliro
amanene, ate n'omuwendo
gw'abantu abafa olw'endwadde
n'embeera ezeewalika nagwo
gukendeere.

Abasawo abakola mu malwaliro
gano, nabo Ayume agamba nti,
omuwendo gwabwe gwetaaga
kwongerako okusobola okukola
amangu ku balwadde.

Ebyuma ebitereka omusaayi
nabyo Palamenti yasaba gavumenti
okubyongerako, okusobozesa
amalwaliro ga Health Centre
IV okukola ku bantu abeetaaga
omusaayi baleme kufa.

MINISITA ACENG AWAGIRA EKITEESO KY'OKUTEKA SSENTE MU HEALTH CENTRE IV

**Minisita w'ebiyobulamu,
Dr Jane Ruth Aceng,**
awagira ekiteeso kino,
era agamba nti,
pulaani ya gavumenti
ya kulaba nga buli
konsituyuwensi
ebeera
n'eddwaaliro eriri
ku mutendera gwa
Health Centre IV,
ate buli disitulikit
ebeere n'eddwaaliro



eddene.
Wabula Aceng agamba nti,
eddwaaliro lya disitulikit
kirooto kiwanvu era kijja
kutwala emyaka egiwerako
okutuukirizibwa,
ng'ekisinga kwe kuteeka
ssente mu Health Centre
IV nga Palamenti bwe
yakiteesa, era ku lwa
gavumenti ly'ekubo lye
bagenda okukwata.

2 EBITEESO KU BULWADDE BW'EMITWE

Palamenti mu mwaka
gw'ebysimbi oguwedde,
yayisa ekiteeso ekisaba
gavumenti okuteeka
essira n'okukulembeza
ekizibu ky'obulwadde
bw'emitwe okutaasa
Bannayuganda abafa
oluvannyuma lw'okwetuga,
n'abo abazitooweeddwa
ensi olw'ebirowoozo ebingi
ebibaviiramu obulwadde.

Okunoonyereza okwakolebwa
Minisitule y'ebiyobulamu,
n'ekitongole ekigatta ababudaabuda
abantu ekya Uganda Counselling
Association, kulaga nga
Bannayuganda obukadde 14
balwadde ba mitwe.

Wadde ng'omuwendo guno
gwerailikiriza, naye ekizibu kino
tekifiiriddwaako nnyo okusobola
okuyamba abantu okuvvuunuka
embeera eno.



ESSIRA LISSIBWE KU BALWADDE B'EMITWE

**Wano Omubaka Aisha
Kabanda (mukazi
/ Butambala)** we
yasinziira n'aleeta
ekiteeso ekisaba
gavumenti okuteeka
essira ku bujianjabo
bw'obulwadde
bw'emitwe, Bannayuganda
basobole okwemagala
obulungi n'okukola emirimu

nga tewali kibataataaganya.

Kabanda agamba nti, kyennyamiza
okulaba nga wadde abalwadde
b'emitwe bangi, naye abasawo
abajjanjabo emitwe bali 42 bokka,
nga be balina okulabirira eggwanga
lyonna.

Olw'obutaba na malwaliro
gamala gakola ku nsongya mitwe,
abeetoolodde omuntu alwadde
basalawo kumulija ku miguwa,
n'afundikira nga yeeyongedde
okulwala, ate n'eddeme lye nga

limuggyiddwaako.

Abazadde abatta abaana baabwe,
n'abaana abeetuga nabo bagenda
beeyongera, Kabanda ky'agamba
nti, kyetaaga okusalira amagezi mu
bwangu ddala okusobola okutaasa
n'addala abayizi abali mu masomero
baleme kumlibwawo bulwadde

Palamenti ey'awamu awatali
kwetemamu yayisa ekiteeso kino, era
gavumenti n'esabibwa okwongera
ssente mu kulwanyisa obulwadde
bw'emitwe, ng'etendeka abasawo
abamala, okutwala obuweereza
bw'okujianja emitwe mu malwaliro
ageetoolodde eggwanga, abantu
basobole okufuna obujanjabo mu
bwangu ng'obulwadde tebunnaba
kubakosa nnyo.

Gavumenti era yasabibwa
okuteekawo enkola eneyamba
okulondoola obuweereza ku
bulwadde bw'emitwe, okulaba nga
butuuka ku bantu bonna okuva ku
ba waggulu okutuuka ku ba wansi,
waleme kubaawo alekebwa mabega.

3 EBITEESO KU BBANKA Y'ABALIMI

Mu kawefube ow'okusitula
Bannayuganda okuva mu
mbeera y'okuklerera olubuto
lwokka, batuuke ku ddaala
ly'okufissa ssente ez'okuterekako
n'okukola ku byetaago ebirala,
Palamenti yayisa ekiteeso
ekisaba gavumenti okuteekawo
bbanka y'abaliimi okusobola
okuwola abalimi bateeke ssente
mu nnimiro basobole okwongera
ku makungula gaabwe olwo
n'enningiza yeeyongere.

Nga September 27, 2022,
Palamenti yayisa ekiteeso ekisaba
gavumenti okuteekawo bbanka
y'abaliimi, okusobola okubayamba
okuwolebwa bongere mu bye
bakola. Ekiteeso kino kyaleetebwa
**Omubaka Dr Agnes Atim (Mukazi
Amolatar)** era ne kiwigirwa
ababaka bona.

y'abaliimi esobola okuyamba
Bannayuganda okugaggawala
nga bayita mu kwongera
ku makungula n'okukozesa
ebyma mu kulisima n'okulunda,
okutondawo emirimu, okufuna
emmre emala, n'okukendeeza ku
bwavu, era ne basalawo awatali
kwetemamu nti, gavumenti ekolere
abalimi bbanka eyaabwe.

4 EBITEESO KYA PALAMENTI KU KUSITULA ABAVUBUKA

Okunoonyereza kulaga nti,
abavubuka bali 78 ku buli 100,
ku muwendo gw'abantu abali mu
ggwanga. Abavubuka bano baba
balina okutendekebwa obulungi
babeere ba mugaso eri eggwanga,
lisobole okukulaakulana.

Olw'obukulu bw'abavubuka,
Palamenti yayisa ekiteeso nga
September 8, 2022 ekisaba
gavumenti okuteeka ensonga
z'abavubuka ku mwanjo, kubanga
abavubuka ly'eggwanga ery'enkyo.
Ekiteeso kino kyaleetebwa
**Omubaka Boniface Okot
(Bavubuka/Bukiikkonno)**, era
Palamenti yonna n'ekisembwa.

Okot agamba nti, wadde
abavubuka bakulu okuzimbibwa
nga bateekewamu ssente

n'obudde, waliwo
pulogulaamu ezimu nga
balekeddwaa emabega.
Ebenjigiriza bye
bafuna nabyo byetaaga
okutunulwamu
kubanga amatendekero
agamu bye gasomesa
tebikwatagana na
bukugu bwetaagibwa
ku katale k' emirimu.

Okot asema
gavumenti okwongera
amaanyi mu kutendeka
abavubuka ebyemikono
basobole okwemirizaawo,
n'okufuba okulaba nga ssente
eziteekewawo nga za kuyamba
bavubuka bazifuna awatali
muzikiko.

Obuweereza mu byobulamu
n'ebenjigiriza Okot agamba
nti, bulina okuba nga bugasa
abavubuka ate nga basobola
okubufuna.

Okot era agamba nti, abavubuka
ly'eggwanga ery'enkyo, era
gavumenti erina okubateeka ku
mwanzo n'okubebuuzaako mu
kusalawo okukolebwa ku nsongya
ez'enjawulo, omuli n'okukuumu
obutonde bw'ensi.

Palamenti yasalawo nti,
kikulu abavubuka okubatemera
ekkubo okuyita mu kubasitula
mu byobulimi, ebyobusuubuzi
n'amakolero, emirimu
gy'obuweereza n'okwetandikirawo
egyabwe, kw'ossa ebya kompyuta,
obuyiia n'ebiemizannyo.

Ababaka bagamba nti,
eggwanga liija kuba mu
mikono mituufu, abavubuka
bwe banassibwa ku mwanzo,
ne bayambibwako okukula
n'okukulaakulana. Era baalabula
nti, abavubuka bwe bataafiibweko,
eggwanga lyolekedde akatyabaga.

